# Ebibuuzo bya P7 byaggwa okugolola, bya kufulumizibwa ng'okulonda kuwedde - UNEB

Bya VIVIEN NAKITENDE

EBIBUUZO by'ekibiina eky'omusanvu (P.7) byaggwa okugolola, nga mu kiseera kino bali mu kwekebejja okusembayo biryoke bifulumizibwe.

Omwogezi w'ekitongole ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB, Jenifer Kalule Musamba yagambye nti, buli kimu kitambula bulungi, nga kati bali ku mutendera ogusembayo balyoke babite okufuluma, wabula bya kufuluma ng'okulonda kuwedde.

"Mu kiseera kino tuli ku mutendera gwa kwekebejja mutindo gwe tuyita "Quality Assurance" okuli; okwekebejja obubonero obwagabirwa abayizi oba bwebwo obutuufu, okulaba nti, bwagattibwa bulungi era buli muyizi obwamuweebwa bwebwo, okuyingiza obubonero n'ebikwata ku bayizi n'ebigezo byabwe mu kompyuta (data entry). Tuli ku mutendera ogusembayo ebibuuzo bifulume era tuli beetegefu", Kalule bwe yagambye.

Yagasseeko nti, okukebera omutindo bwe kunaaba kuwedde olwo nga bagenda ewa minisita w'ebyenjigiriza ng'abawa olunaku olw'okubifulumya.

Yagambye nti, abazadde n'abayizi kye balina okumanya nti, ebigezo bya kufulumizibwa ng'okulonda kuwedde.

Ku bigezo ebya S4 n'ebya S6 Kalule yagambye nti, nabyo bitambula bulungi era bijja kufulumizibwa mu budde obutuufu.



Jenifer Kalule Musamba